**8th February 2015.**

# EKITANGAALA KYA KIGAMBO.

**Yokaana 1:4 – 14.**

Nga twongera okulaba mu nnyanjula ya Yokaana, ekyo kya ssaako essira – Okututegeeza Yesu kye yali, - kubanga enjiri essatu endala zassa nnyo essira ku Yesu bye yasomesa ne bye yakola.
Yokaana atulaga Yesu kyaali ng'ajjayo mu njiri ye eno ebyamagero, byayita obubonero, 7, nga 6 ku byo tebyogerwaako mu njiri essatu endala.
Era atubuulira Yesu bye yeyogerera ku bubwe nti " Ye Yali", emirundi 7……
Era n'atulaga ani Yesu gwe yali era kye yali ng'atuggirayo abajulirwa abamujulira mu butuufu 8, ng'abana ku bbo bajulira mu ssuula essooka eno, nga bwe tunaalaba.
Omulundi ogwaggwa, twamanyisibwa, osanga n'okutegeera netutegeera nti Yesu Ye yali Kigambo, eyali omutonzi wa byonna, eyali ne Katonda Kitaffe, eyayolesebwa gyetuli mu mbala y'obuntu.
Nti ono ye yaliwo emirembe gyonna nga n'entandikwa tennaba, mu ntabagana butereevu ne Katonda, kyokka era ey'ebezaawo ku bubwe ate n'abezaawo buli kiriwo, ebilabwaako, n'ebitalabwaako, ng'Abaebbulaniya 1:3 bwe lugamba nti abeezaawo buli Kintu olw'ekigambo ky'amaanyi ge ( Si olw'amaanyi g'ekigambo kye – Naye olw'ekigambo ky'amaanyi ge. Nti Kigambo ssi mwe muli amaanyi kyokka, wabula ge maanyi gennyini g'embala y'obwakatonda.

Ekitwongerezaayo mu kifaanani kye kimu we twaakirekera omulundi oguwedde mu lnny. 4 nti…….., tweyongereyo okutuusa ku lnny 9.
Emirundi ng'etaano ekitangaala gye kyogerwaako mu nnyiriri zino, era tujja kulaba mu njiri ya Yokaana nti gwaali mulamwa oguddiŋŋanwa entakera ol'wobukulu bwaagwo. Nga n'omulamwa gw'obulamu kw'ogutadde.
Era bwe tubuulirwa nti mu Yye mwe mwaali obulamu, obwaali ekitangaala eri abantu. Tekiri nti Ekigambo kyalimu obulamu n'ekitangaala, wabula nti Kigambo bwe bulamu era ekitangaala. [ Nga bwe twayawukanya 'Bios' ku 'Zoe', omulundi oguwedde…..].

Ekitegeeza nti awatali Yesu, Ekigambo kya Mukama, abantu bafu era bali mu kizikiza. ( Kizibu n'okufumiitiriza) – Omufu ali mu kizikiza, wwo!
Era ffena ng'abantu kye tuva tutondwa n'okutya oba okw'ekengera okufa n'ekizikiza………, naye ate nga tumanyi nti mu butuufu omuntu ayinza okubaawo naye nga talina bulamu mu yye, nga bukendede, oba n'okumuvaamu, buli mu kumuvaamu, era mu mbeera ng'ezo emmeeme n'omwooyo bye biba mu kizikiza, bwe bitaba mu Yesu, omukwanzi w'obulamu obutaggwaawo.

Era tukakasibwa obutuufu bw'okuba nti ekitangaala bwe kyaaka mu kizikiza, ekizikiza tekisobola kkiwangula….. mu lnny. 5…..
Okuba nti ne bwe buba butya obuyitirivu bw'amaanyi g'ekizikiza, tebusobola kuzikiriza maanyi g'ekitangaala ky'obwakabaka bwa Katonda era Yesu.
Kye kiva kigambwa mu Bbakkolinso II 4: 3 – 6 nti………

Mu nsoma za nny. 6 – 9. Mwe tulabira omujulirwa asooka Yokaana, eyamanyibwa nga Omubatiza. Mutabani wa Zakaliya ne Elizabbeesi, nga bwe tumanyi gwe baazaala mu bukadde, okusinziira ku kirango n'ekiragiro kya malaika wa Mukama. Eyali yeetaagisibwa olw'okuba abantu baali bazibe ba maaso, kuba omuzibe ye yekka eyetaaga okulangira okujja kw'ekitangaala. [Soma 6 – 9].
Obujulirwa bwe bwaali bukulu nnyo, yali yalangibwa mu Isaaya 40, ne mu Malaki, n'okujjuzibwa omwooyo yajjuzibwa akyaali mu lubuto lwa nnyina, era bwaatyo n'aba nabbi/ omulanzi eyasemba kyokka ate n'aba omubuulizi w'enjiri eyasooka. Ne Yesu gwe yayogerako mu Matayo 11:11, nti tewabangawo muntu eyazaalibwa omukazi eyali amusinga, kyokka ate nti oyo asembayo okuba omukulu mu bwakabaka bw'omuggulu amusinga. Oyo gwe tugambwa nti yatumibwa ategeeze eby'ekitangaala / omusana [ lnny 8. Soma 9].
Mu nny 10 – 14………[Soma onnyonyole].
Okujjula kw'ekisa n'amazima kigambo bye yalina nagyo milamwa mikulu nnyo mu njiri, nga bwe tuneeyongerayo okulaba gye bujja, Mukama nga ye mubeezi waffe.